| Essomo 2 | الدرس الثاني |
|---|---|

# EBILIIBWA EBIKKIRIZIBWA BILIMU EMITENDELA EBILI

Ebisolo nebimela bikkirizibwa okuliibwa mwebyo ebitayina kabenje kabivaamu.
Songa nebisolo betekuluddwamu emiteeko ebili
Ebisolo ebiwangalila kululaku, nebisolo ebiwangalila munyanja, byonna ebiwangalila munyanja byo bili halaali byonna okutwalila ewamu, era sikyatteeka kumala kubisala okubilya kuba kikkirizibwa okuliibwa kyonna ekifiliidde munyanja mubisolo. Bwebity nebisolo ebiwangalila kulukalu bili halaali okujjako ebyo ebbika obusilamu byebwaziyiza nga nabyo:

**1.** Endogoyi eyomubantu nembizzi:

**2.** Ekyo ekirya ebivunze, nga akakubampanga, mpaabaana ne nnamungoona.

**3.** Ekyo ekilina amagego nga kiyigga nago okujjako goonya.

**4.** Bwebityo nebinyonyi nabyo bili halaali okujjako obusilamu byebwakka mu gamba nga ekyo kyonna ekiyigisa enjala.

Agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama muhadith eya wandikwa Imaam musilimu nti:
Agamba Ibun Abass nti yaziyiza omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama kuli……….

**5.** Ekyo kyonna ekilya emilambo nga ne Nnamungoona olwebibi bye kikulikako

Era waliwo ebilala ebitali mwebyo ebinyonyodwa mubisolo nemubinyonyi bili halaali gamba engamiya nebitambuza amagulu ana enkoko endogoyi eyomunsiko akamyu nebilala.
Era muno muvaamu
Nga nayo yeyo ebeera nga ewangalila mu kulya enagisi tekkirizibwa kulibwa ikutuusa lwesibwa emyezi esatu nga elisibwa ebyokulya ebiyonjo byokka.
1. Era kitamwa okulya obutungulu oba katungulu chumu nebilala ebivaamu olusu olubi mukiseera nga ogenda kumuzikiti bwatyo nooyo abeela akukidwa okulya ekintu ekili haraamu olwembeera esaanyawo obulamu oyo akkirizibwa alyeko esalibwa ekyo okimubezaawo bwebutaba butwa.

Nooyo ayita kunimilo yebimela ebili kumuti oba ebyagwa byokka ewatali kikomela kuyo era nga teliiko mukuumi, akkirizibwa okulyako naye nga tasiba kutwala kintu kyonna mubyo, era takkirizibwa kulinya muti mumiti gyabyo kunoga wabula alya kwebyo ebigudde byokka era takkirizibwa kukuba bili waggulu kintu kyonna mubyo wadde ebyo ebikunganyizidwa okujjako olwa naakola nyta.